


# Amenvu ga Jjajja

Ursula Nafula
Catherine Groenewald

Luganda

African Storybook.org



Olusuku lwa Jjajja lwali lwa kitalo. Lwali lujudde omuwemba, obulu, n'... muwogo. Naye ekyali kisinga obulungi byali bitooke. Wadde nga Jjajja yalina abazzukulu bangi, mu nkukutu nnamanya nti nze gwe yali ayagala ennyo. Yanyaniliza nnyo mu maka ge. Era yantegeeza n'ebyama ebitonotono. Naye waliwo ekyama kimu kye yali tagabana nange: gye yayengerezanga amenvu.



Olunaku lumu nnalaba ekisero ekinene eky’obuseke nga kiteekeddwa mu musana wabweru w’ewa Jjajja. Bwe nabuuza nti kyali kya ki, eky'okuddamu kyokka kye nnafuna kyali nti, "Kye kibbo kyange eky'enjawulo." Okumpi n’ekisero, waaliwo endagaala eziwerako Jjajja ze yakyusanga oluusi n’oluusi. Nnali njagala nnyo okumanya. "Endagaala za ki Jjajja?" Nabuuza. Eky'okuddamu kyokka kye nnafuna kyali nti, "Zino ndagaala zange ezenjawulo."



Kyanyumira nnyo okulaba Jjajja, amenvu, endagaala n’ekisero ekinene eky’obuseke Naye Jajja yansindika ewa maama nga antumye. "Jjajja nkwegayiridde, ka ntunuulire nga bw'oteekateeka." "Toba mwana wamputu, kola nga bwe bakugambye," bwe yakkaatirizza. Nasimbula nga nziruka.



Bwe nakomawo, Jjajja yali atudde wabweru naye nga tewali menvu era nga tewali kisero. "Jjajja, ekisero kiri ludda wa, amenvu gonna galii ludda wa, era wa..." Naye eky'okuddamu kyokka kye nnafuna kyali nti, "Biri mu kifo kyange eky'enjawulo." Kyammalamu nnyo amaanyi!



Nga wayise ennaku bbiri, Jajja yansindika okuleta omuggo gwe mukisenge. Amangu ddala nga nnaggulawo oluggi, nnayanirizibwa akawoowo kamenvu. Mu kisenge eky'omunda mwalimu ekisero ekinene ekya jjajja eky'obuseke. Yali akikwese bulungi okulilana bulangiti enkadde. Nakisitula ne mpunyiriza akawoowo ak'ekitiibwa.



Eddoboozi lya Jjajja lyankanga bwe yampita nti, "Okola ki? Yanguwa ondeetele omuggo." Nafuluma mangu n’omuggo gwe. "Omwenyala ki?" Jjajja bwe yabuuza. Ekibuuzo kye kyandeetera okukimanya nti nnali nkyamwenya olw’okuzuula ekifo kye eky’enjawulo.



Enkeera Jajja bwe yajja okukyalira maama, nnayanguwa okugenda ewuwe okukebera amenvu omulundi omulala. Waaliwo abiwagu ebya amenvu agengedde ennyo. Nalonda mu kyimu nekikweka mu kiteteyi kyange. Oluvannyuma lw’okuddamu okubikka ekisero, nagenda emabega w’ennyumba ne ndya mangu amenvu. Gali menvu agasinga okuwooma muge nnali ndidde.



Enkeera, Jjajja bwe yali mu lusuku ng'anoga enva, nnayingira mu ngeri ey'okweba ne ntunula mu menvu Kumpi gonna gaali gengede. Nnali sisobola butatwala ekiwagu kya amenvu anna. Nga bwe nnyiga ebigere bwe njolekera oluggi, nnawulira Jajja ng'akolola wabweru. Namala ne nsobola okukweka amenvu wansi we kiteteyi kyange ne mmuyitako.



Enkeera lwali lunaku lwa katale. Jjajja yazuukuka nga bukyali. Bulijjo yatwalanga amenvu ne muwogo okubitunda mu katale. Ku lunaku olwo saayanguwa kumukyalira. Naye saasobola kumwewala okumala ebbanga ddene.



Oluvannyuma akawungeezi ako nnayitibwa maama ne taata, ne Jjajja. Nnali mmanyi lwaki.

Nagamba nti bansonnyiwe nnyo olw'okutwala amenvu. Ennaku ezaddirira nazimala nga nnoda amenvu okujjuza ekisero kya Jjajja ekigenda mu katale.

Ekiro ekyo bwe nnagalamira okwebaka, nnamanya nti sijja kutwala kintu nga sibuuzizza. Kebe okuva ku jjajja, okuva ku bazadde bange, era mazima ddala kebe okuva eri omuntu omulala yenna.

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

# Amenvu ga Jjajja

**Omuwandiisi** -- Ursula Nafula
**Abakyusakyusa** -- Sally Farneth
**Omukubi webifananyi** -- Catherine Groenewald

**Olulimi --** Oluganda
**Omutendera** -- Ennyiriri empanvu

© Ekitabo ky' Emboozi z' Afirika 2014
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
Ensibuko www.africanstorybook.org

2026.07.10